# Basenze ekitundu ku katale ka Owino

Bya HANNINGTON NKALUBO

ABASUUBUZI abakolera mu katale ka St. Balikuddembe, eggulo baakeeredde mu maziga oluvannyuma lwa ttulakita okusenda ebizimbe mwe bakolera, emmaali yaabwe n'esaanawo. Bino byabaddewo ku Lwomukaaga ekiro, ttulakita weetiiye bwe zaaleeteddwa ku kitundu ky'akatale kano okuliraana omwala gwa Nakivubo okumpi ne Container Village, ne zimenya ebizimbe n'emidaala gy'abasuubuzi.

Ekimu ku bizimbe ebyamenyeddwa kubaddeko amaduuka agalimu emmaali y'abasuubuzi ate kalina eyamenyeddwa kubaddeko sitoowa mwe batereka ebintu ne kaabuyonjo. Baatwaliddemu n'ekizimbe omubadde mutenderkerwa abaana b'oku nguudo ku ssomero lya Nakivubo Settlement. Okumenya kwatandise ku ssaawa 4:00 ez'ekiro ekyakeesezza eggulo ku Ssande.

Abamu ku basuubuzi abakolera mu kifo ekyamenyeddwa baagambye nti, we baatandikidde okumenya abamu baabadde bakyali mu kifo era be baakubidde bannaabwe essimu ne bakomawo okusobola okutaakiriza ku mmaali yaabwe.

Akavuyo n'omunyago ebyabaddewo byawalirizza abaserikale ba poliisi okuwandagaza amasasi mu bbanga okugumbulula ebibinja by'abavubuka abaabadde banyaga buli kye bakwasaako engalo.

Embeera eno yawalirizza dayirekita wa Kampala, Hajjat Sharifah Buzeki okugenda mu kifo kino ekiro okukkakkanya embeera.

Buzeki yeewuunyizza okusanga ttulakita nga zisenda n'alagira abaserikale ba KCCA abakwasisa amateeka bayimirize buli ekyabadde kigenda mu maaso, kyokka ng'abaabadde bamenya tebawulira era poliisi ye yakkakkanyizza embeera. Buzeki yalagidde abaabadde bamenya bakwatibwe na buli kimu ekyabadde kikolebwa mu kifo ekyo kiyimirizibwe, kyokka we yakikoledde ng'ebizimbe bimenyeddwa.

Abasuubuzi balumiriza omugagga Hamis Kiggundu okumenya ebizimbe ng'aluubirira okutwala ettaka lyabwe. Wabula, omu ku bakozi ba Ham, ayitibwa Saad Lukwago yagambye nti, ekifo ekyamenyeddwa kye kibadde kivaamu obucaafu omuli ebigoye, ebiveera, obucupa ne kasasiro omulala n'ayingira mu mwala ne guzibikira ekivaamu amazzi okwanjaalira mu bizimbe ebiriraanyeewo abasuubuzi ne bafiirwa. Yagasseeko nti, ebizimbe ebyamenyeddwa byazimbibwa mu kibangirizi kya mwala gwa Nakivubo ate nga baaguwa Ham agutereeze.

### HAM YAFUNA OLUKUSA KU MWALA

*Bukedde* yafunye ekiwandiiko ekiwa omugagga Ham olukusa okukulaakulanya omwala gwa Nakivubo. Ekiwandiiko kino ekiriko omukono gwa minisita wa Kampala, Minsa Kabanda kyawandiikibwa nga August 13, 2025 nga kiragira KCCA okuwa Ham obuwagizi bwonna obwetaagisa okukulaakulanya omwala guno, okugugogola okuggyamu kasasiro, amazzi gatambule.

Lukwago yagambye, abasuubuzi bamaze ebbanga nga bakimanyi era we baamenye wonna bagenda kussaayo wansi ebigoma ebigazi okutambuza amazzi galeme kwanjaala mu bizimbe ne mu luguudo. Yagambye nti, Hamis ekigendererwa kye si kugoba basuubuzi, wabula kutereeza embeera mwe bakolera.

### ABASUUBUZI BAAWANDIIKIRA KCCA

Ssentebe wa kkampuni ya St. Balikuddembe Store, Space and Lockup Shops Owners Association (SSLOA), Joseph Lwanga yagambye nti, KCCA yamanya ku by'okubamenya naye tewali kye yakolawo. Yalaze ebbaluwa gye baawandiikira KCCA nga February 5, 2026 nga basaba bayambibwe baleme kubamenya.

Ebbaluwa baasooka kugiwandiika nga October 20, 2025, era bazze beekubira enduulu bayambibwe nga tewali abaddamu.

Yagambye ekifo ekyo kibaddemu amaduuka agasoba mu 40 n'abasuubuzi abakoleramu nga basoba mu 200. Ate owa sitoowa z'abasuubuzi, Charles Wekesa yagambye nti, mubaddemu emmaali nnyingi okuli; endiboota z'engoye, engatto ne kalonda atundirwa mu butale byonna byanyagiddwa.

### OMUGAGGA WA KALINA EYAMENYEDDWA

Aba kkampuni ya Namex Ministries Ltd abakulemberwa Moses Namatiti ng'ono mutabani w'omugagga Festo Kasajja baagambye nti, balina obwannannyini bw'ebizimbe ebiri mu kifo ekyo nga ekimu kibaddemu essomero eritendeka abavubuka b'oku nguudo ebyemikono era KCCA ye yabakkiriza.

Yagambye nti, ekizimbe ekyamenyeddwa kibadde kikozesebwa nga sitoowa z'abasuubuzi ba St. Balikuddembe, nga kiriko ne kaabuyonjo era baakizimbawo nga balung'amiziddwa KCCA mu mateeka.

Omwogezi wa KCCA Daniel NuwAbiine yagambye nti, tebamanyi yamenye kitundu ku katale kano kuba tewali gwe baali bawadde lukusa kumenya, era baabayimirizza ne balagira poliisi okukuuma ekifo nga bw'ekyanoonyereza.

Abasuubuzi bino baabiyise bya kweyisaako era bagenda mu kkooti.

HANNINGTON NKALUBO



Ekizimbe okubadde kaabuyonjo ne sitoowa z'abasuubuzi nga kimenyeddwa.



Kasasiro abadde agenda mu mwala n'aguzibikira.

## Bannakampala boogedde



**Amina Nansubuga :** Nafiiriddwa emmaali yange gye nabadde nnaakasuubula ebweru w'eggwanga. Ndeeta ndiboota n'ebirala kyokka tewali yatulabuddeko. Emmaali yonna baagibbye.



**Ivan Byakatonda :** Tetubagaana kuzimba naye waakiri bandibadde batuwadde omukisa ne tuggyamu emmaali yaffe. Lwaki tufiirwa buli kimu ate KCCA byonna bye bakola tebafaako.



**Adam Kyazze :** Omugagga Hamis Kiggundu bw'aba agezaako okutereeza omwala n'okugoba amataba gakome okutawaanya Bannakampala, abasuubuzi bagumiikirize omwala agumalirize kuba kasasiro aguzibikira.